# *Olw'Okukkiriza, Musa*

Webale, Ow'oluganda Neville. Mwasuze mutya, banywanyi? Kirungi okubeera wano mu kkuŋŋaaniro olwa leero. Nnalowoozezza nti oba oli awo singa nsaba Ow'oluganda Neville okwogera enkya ya leero, nnandigezezzaako ekiro ky'olwaleero. Nate era nabadde nfumiitiriza ku ssomo erya Ssande ku lw'amakya ga leero. Era nga kya . . . Mukama nga ayagadde, tujja kugezaako o—okuba n'essomo lino erya Ssande.

2 Kaakano, ziweredde ddala ssabbiiti bbiri kati, kyenkana, okuva lwe nnakomawo. Era mbadde n'ekiwuggwe kingi nnyo nga bwe mwamanyako, nti, eyo mu njiri, nayenjebuka nnyo, nnyo nga sisobola na kweyongera mu maaso. Era nnali nnina okukomawo okuwummulamukko. Era kyantwalira ennaku nga ssatu emmanga ku Bbibiro lya Wolf Creek, eyo mu Kentucky, gye nnazaalibwa. Ne ndowooza nti, "O, mpulira bulungi nnyo kati. Ndi bulungi."

3 Ne nzirayo eka, era ekintu ekyannyaniriza zaali nsonga za gavumenti ezikwata ku by'emisolo. Nate ne nzirira ddala wansi. Ne ntegeera nti kigenda kuntwalira ssabbiiti ezisoba mu emu oba bbiri okuwummula ekimala.

4 N'obuweereza bwange busemberedde okuba n'enkyuukakyuuka kati. Era ssirinaawo nkuŋŋaana zitegekeddwawo. Era eyo ye nsonga lwaki nzizeeko ku bbali, okulowooza, era kati okumala ssabbiiti entonotono eziddako, nja kuwummula buwummuzi, mpummulire ddala, nnindirire ku Mukama.

5 Era bangi ku mmwe abali wano, abakadde ab'edda, ababadde naffe ebbanga eddene, mujjukira ekyo Mukama kye yatugamba, bulijjo akoze ekyo kye Yagamba nti Alikikola.

6 Mujjukira, bwe twali tutandika, mu kkanisa wano, amakya lwe twasimba ejjinja ly'ekkuŋŋaaniro, engeri Gye . . . Kyawandiikibwa, era kiri ne mu jjinja, ku muko ogw'olupapula lwa Bayibuli yange. Ku makya ago, okwolesebwa okwo okw'ekitalo, kwagamba nti, "Lino ssi lye kkuŋŋaaniro lyo."

7 Ne ŋŋamba nti, "Liri wa, Mukama?" N'anfulumya ebweru wansi w'eggulu. Eddoboozi ne lijja. Ne ntunula ne ndaba emisaalaba egyo essatu, nga giri nga, emiti n'ebibala byakwo, n'ebirala. Mumanyi okwolesebwa okwo kye kuli. Kwawandiikibwa, emyaka mingi egiyise.

8 Bwe nnaggyayo, luli, ekitabo ekikadde waggulu wali, ne nsoma ku bintu ebimu Mukama bye yayogera, bye yalagulako; ebyamala edda okutuukirira. Ebikwata ku mpisa z'abaana,

n'engeri olutalo gye lwali olw'okubalukawo, era ebintu ebyo byonna bibaddewo.

9 Ebintu bibiri byokka bye bisigaddeyo, ku bunabbi obwo obw'ekitalo. Bye bino, ku nguudo okubaako emmotoka ezivugirwa ku limooti, nga zaakula nga eggi, kyokka nga ssi ggwe ogivuga. Yeevuga yokka. Nate walibaawo omukazi ow'amaanyi aligolokoka, kubanga Amerika ggwanga lya mukazi. Era ki. . .Omukazi ow'amaanyi aligolokoka, abeere Pulezidenti oba ekyefaananyiriza ekyo, mu ggwanga. Olwo walyoke wabeerewo okusaanyizibwawo ddala. Eggwanga lyonna lijja kuzikirizibwa.

10 Kati, ekyo, nkiteebereza. . .Kati kino Mukama ssi y'akyogera. (Kiri ekirala, ekikwata ku mukazi, kyo, ye Mukama.) Naye mu 1933, nnateebereza, nti ensi yali egenda kusaanyizibwawo ddala nga '77 tegunatuuka.

11 Kale, nnali ssimanyi mu kiseera ekyo oba baalina ekintu ekyali kisobola okugisaanyawo nga bye balina kati, naye nnalaba eggwanga nga lisaanyizibwawo ddala, nga bikonge bya miti n'ebintu bwe bityo, bye bisigaddewo.

12 Kale, kiri mu kkubo. Era oba nga ebintu bino byonna ebirala bituukiridde ddala nga bwe Yayogera, n'ekyo kijja kubaawo, kiri ddala nga bwe Yayogera wano mu Kyawandiikibwa, kye Yayogera nti, oba nga Kristo yajja omulundi ogwasooka, Ajja kujja n'omulundi ogw'okubiri. Era ebintu byonna bye Yayogera bijja kutuukirira. Era nga tulaba kino, n'okumanya nti tuli. . . ennamba yaffe enaatera okuyitibwa, nga eggwanga, nga tumanyi nti Ekkanisa enaatera Okukwakkulibwa. Kikwata nnyo ku mutima gw'omuweereza, oba omugoberezi yenna, okumanya nti tuli mu biro bino n'ebiseera bye tulimu. Kye kiseera ekikulu omuntu yenna kyeyali abadde mu ku nsi, kino kati; kwegamba, eri Ekkanisa. Kale, nneetaagira ddala essaala zammwe.

13 Nate nnalabye mu kkuŋŋaaniro, ne ndaba nga ba. . . bagenda kubeera n'okuddamu okulonda n'ebirala, mu kkanisa, okw'obukiiko obumu n'ebirala.

14 Era—era nga ekkanisa yeetaagayo olukiiko olutonotono, okusiikulwamu katono. Era mubadde nga bakisa gyendi, era mumpadde omukisa. Era nze okubeera wano, kirabika nga kibadde kya mukisa gyemuli. Era ndi mukakafu nti, okubeera nammwe, gubadde mukisa gyendi. Era bulijjo mukkiriza nga ekyo kye njogeddenga okubeera Amazima, nga bwe nkiraba okuyita mu Katonda. Era nki—nkisiima ekyo.

15 Kale nno, natandise kw'ekyo, nate era nnabadde wa kuzuula, ntereeze ekkanisa yaffe, mu bukiiko bwayo, n'ebyokulonda n'ebirala. Nate era—era, nnalowoozeezzaamu, oluvannyuma lw'ekyo, nnagenze ne mpummulamukko nga ssi nnaddayo bweru mu njiri nate.

16 Ekyo mukyesigalize. Kati, ssi ky'abebweru. Kya kkunŋaaniro lino. Twetaaga olukiiko n'ekuŋŋaaniro lino, kibeere nti buli kintu, na buli nsobi, byonna ebibadde nga bikolebwa, era oba oli awo ennewulira ezitali zimu buli omu eri munne; abo, nja kubaleeta bonna mbasisinkanye maaso ku maaso. Kale bw'oba toyagala kubyeŋŋanga, tera ofulume eggwanga; kubanga ogenda kubyeŋŋanga buli kimu ku byo maaso ku maaso, nga bwe twakolanga wano mu kuŋŋaaniro. Na byonna okugololwa, kubanga tuli baluganda abamenye mu kussa ekimu, Omubiri gwa Kristo, ku meeza ey'emikisa. Ate si kirala wabula ssitaani y'aleeta ekintu kyonna ekikyamu, n'aleeta ennewulira embi, oba okweyawulamu, oba ekintu kyonna bwekityo. Era ntwala Muganda waffe Neville, era tugenda kuva kifo ku kifo, nga tutabaganya wamu, muntu ku muntu, okutuusa nga ekuŋŋaaniro ery'edda likomyewo, nga linywezeddwa nate, ku musingi gwalyo, okweyongerayo ku lw'Obwakabaka bwa Katonda. Kati, eno ye, ensonga lwaki njogedde bino, eri lwakuba nga biri mu kibiina kyaffe kino ekitono wano enkya ya leero.

17 Era kati ŋŋenda kuwummulako, nkomewo mangu ddala nga bwe nsobola. Era nsuubira okugenda mu njiri nate. Era ku mulundi guno, Mukama nga ayagadde, njagala ntwale ako akatono ke tufunyeewo mu nsimbi, n'ebirala, ku lwange, eyo mu . . . mu ntegeka eno ey'ebweru. Nnegulireyo ne weema empya, n'ebintu ebipya, ŋŋende mu njiri. Ssi kugenda mu kkanisa ku kkanisa, naye okugenda mu nkuŋŋaana ezaffe ffennyini.

18 Kati, kino ssi kunyooma baaluganda abanyaniriza, ekintu ekirungi ennyo. Naye emirundi egisinga obungi, okizuula nti mu nkuŋŋaana zino, bakugamba nti ojja kubeerayo, mikwano gyo gyonna ne bajja, ate ne wabaawo okwogerera ennyo okuwaayo ensimbi. Kikamula bukamuzi bantu abo. Ekyo nnaakakyetegereza, okiraba. Kale ekyo—ekyo si kituufu. Twagala okufuna ekifo we tusobola okubakuŋŋaanyiza. Teweetaaga kuleeta ssente zo. Ggwe, jjangu buzzi, o—oweereze Mukama. Okiraba? Kale kati . . .

19 Era obuweereza bwange kati bukyuuse. Mujjukira bwe nnateranga okukwata omukono gw'omuntu, ne nyimirira buyimirizi awo, Mukama n'ambulira obuzibu bwabwe kyebuli. Yagamba nti, "Ekiseera kirituuka, n'omanya ebyama ebyo mu mitima gy'abantu." Buli omu ku mmwe amanyi nti bwe kibadde ddala nga bwe kyayogerwa. Kati guno gwe mutendera oguddako, ogwalagulwa ne gutegeezebwa, ogugenda okusukkulumira ddala gyonna, okiraba. Era kiri mu nkyukakyuka kaakano.

20 Era eyo y'ensonga lwaki Ssitaani annwanyisa n'eby'omusolo, nga agezaako okuŋŋamba nti, gavumenti, nti manjibwa omusolo ku buli nnusu gye nfunye, nga omuweereza, okumala ebbanga lya myaka abiri mu musanvu, okuva lwe nnayingira mu

buweereza. Tekiri bwekityo, kubanga ziyise nga mu kkanisa wano.

21 Nze muyima w'ekkanisa eno. Ekyo kituufu ddala. Kiri mu buwandiike wano. Kale, n'olwekyo, bwembeera nga nze muwanika w'ekkanisa eno, kati tewali kintu kyonna mu nsi . . . Gavumenti tebirinaako kakwate konna. Tebabuuza kkanisa. Babuuza nze nga omuwanika w'ekkanisa. Era abayima baateeka emikono ku lupapula oluli eyo mu bbanka, nti ensimbi zange zonna . . . Mu kifo ky'okubeera n'ekibiina ekyange ku bwange, naziyisa mu kkanisa wano, kubanga era kibiina, mu buli ngeri.

22 Era bwenkola bwentyo, kinnyamba okwewala okudduka nga ku kkanisa n'okugirekangawo, n'okugenda nga ebweru ne sibeerako wano. Oluvannyuma nasuubiza abantu nti nja kukomangawo eri ekkanisa, buli kaseera, mbayambe. Eyo ye nsonga lwaki nkikozenga bwentyo, kubanga nakola ekisuubizo gyemuli. Ye nsonga lwaki nkikola bwentyo, mukifo ky'okubeera n'omuntu ssekinoomu. Kubanga, bw'okola ekyo, kikifuula okuba ekibiina ekigunje. Ate nga mpakanyiza ddala ekibiina ekigunje. N'olw'ekyo, nja—nja kukireka nga bwekiri, mu mikono gya Katonda, tusobole okweyongera mu maaso ku lw'Obwakabaka bwa Katonda.

23 Kati, enkya ya leero, twagala okuyiga ku Kigambo kino eky'edda eky'omukisa, tukkirize.

24 Kati, njagala n'okwogera nti . . . Ndaba Ow'oluganda Egan n'abalala, abamu ku bayima batudde wano, oluvannyuma lw'okubeera n'olukiiko lwaffe olw'abayima, ekiro ekyayise; kituufu, nangirira mu lwatu eri ekkanisa, nti buli omu ku mmwe mwenna temukyali ba—bayima abaatekebwawo. Muli bayima abalonde, n'amannya gammwe gali mu bitabo. Weewaawo.

25 Era kati bagenda kubeera n'okulonda okulala okw'aba—abadiikoni, n'abalala. Era Ow'oluganda Neville, ajja kuba abayitayo abo mangu ddala nga olukuŋŋaana luno luwedde, kale, ne ku lw'omuwanika n'abalala, nga bwe tutegeka ekkanisa. Mukitegeere, muteereze, eby'emabega byonna, olwo tubeere n'okudda obujja nga bwe kujja.

26 Kati, nga tetunnaddayo mu miko wano, olw'ekyokuyigako kyaffe eky'essomo erya Ssande, mu Kigambo kya Katonda omulamu kino eky'ekitalo, leka tukoteke ku mitwe gyaffe, katono, nga bwetwogerako n'Omuwandiisi w'Ekitabo kino. Era kaakano teeka ku mabbali buli kirowoozo, buli kintu ekikontana, ekikuziyiza okufuna omukisa.

Leka tusabe.

27 Katonda omutukuvu ennyo era omutuukirivu, tujja kaakano mu Kubeerawo Kwo okw'ekitiibwa, nga tuwaayo gy'Oli obulamu bwaffe, ne e—emmeeme zaffe, n'emibiri gyaffe, n'okuwereeza kwaffe, n'ebitone byaffe. Ne byonna byetulina, tubireeta gy'Oli. Era nga bw'Otutunuulira, Mukama, bwe wabaawo ekibi

kyonna ekitaatudwa, tukusaba, Ai Mukama Katonda, Osiige Omusaayi gw'Omwana Wo, Yesu, awali ekibi ekyo. Kubanga, tumanyi nti ffe ku lwaffe tetweyinza, era nga tekirisoboka ffe okwemalirira ku lwaffe. Naye twesigamira ddala ku Musaayi Gwe ogw'omuwendo, n'ekisa Kye okuteekebwa ku akawunta yaffe, nti ffe aboonoonyi abatasaanidde lumu tusobole okujja n'obuvumu mu Kubeerawo Kwo, nga tukulembezza Omusaayi guno ogwa Mukama Yesu. Ogwo, mu biro ebyayita, Ggwe, gwewakkiriza okubeera nga gwe Musaayi gw'Omwana Wo omu yekka, era wakola ekisuubizo, nti, "Okuyita mu Ye, bwe twatula ebibi byaffe, tunaggyibwako omusango olw'ekisa Kye."

28 Era kaakano tusaba, Mukama, Otusonyiwe ensobi yonna, ekibi kyonna eky'okwonoona oba eky'obutakola, obutali butuukirivu, nti ekirowoozo kyonna ekikyamu bwekiba nga kyafumise emmeeme yaffe, olw'obusaale bwa ssitaani obw'omuliro, ogobewo omulabe Wo ono omubi, era omulabe w'abantu Bo.

29 Era tusaba nti owereeze Omwoyo Omutukuvu atwale Ekigambo mu kaseera kano, nga bwe twewaayo nga ebikozesebwa, osobole okwogera okuyita mu ffe, era owulire okuyita mu ffe, Ekigambo Kyo. Era ffe leka tukifune nga ekivudde gy'Oli. era tuve mu kifo kino, leero, nga tuwulira nti tuziddwa ku mulamwa gwa Kristo; tusobole okugwanyizibwa olukuŋŋaana lw'akawungeezi ka leero n'olw'enkya, ku lw'okukyalirwa kw'Omwoyo Omutukuvu.

30 Wa omukisa baganda baffe wonna, amakanisa okwetoloola ensi, abanywezezza Ekigambo ky'Obulamu mu nnaku zino embi. Tuwulira nti tewakyasigaddeyo kiseera kimala kukola, kubanga ekiro kijja mangu. Ebire eby'entalo biseyeeya nate. Obubi buli kumpi, era tusaba nti otuleetere okukola nga bwetutakolangako. Towoolokosa emibiri gyaffe emikoowu, Mukama, otusindike tuddeyo mu lutalo. Kubanga tukisabye mu Linnya lya Mukama Yesu, era ku Lulwe tusaba. Amiina.

31 Nga bwe tubikkula, Bayibuli, enkya ya leero, mu—mu ssuula eye 11 ey'Ekitabo ky'Abebulaniya.

32 Ekiro ky'Olwokusatu twali twogera ku ssuula eyo 7 ey'Ekitabo ky'Abaebulaniya, ku "Merukizeddeki, atalina taata, ataalina maama, ataalina lunaku lwe yasookerako, newakubadde enkomerero y'obulamu."

33 Era nnalowozezza nti, oba oli awo, enkya ya leero, kyandisaanye okubikkula nate Ekitabo kino eky'omuwendo, nga bwekiri nti mu byawandiikibwa ebisooka, tulina omusingi gw'ebyo bye twagala okwogerako. Era nga tubuuka essuula eye 10, n'essuula eyo 9, nga ge mateeka ku biweebwayo, tutuuka awo awogera ku "kukkiriza." Era wano mu Kitabo ky'Abaebulaniya, essuula eye 11, okutandikira ku lunyiriri olwa 23, tusomawo bwetuti:

*Olw'okukkiriza Musa, bwe yazaalibwa, abazadde be ne bamukwekera emyezi esatu, kubanga baamulaba nga mulungi; ne batatya kiragiro kya kabaka.*

*Olw'okukkiriza Musa, bwe yakula, n'agaana okuyitibwanga omwana wa muwala wa Falaawo;*

*Ng'asinga okwagala okukolebwa obubi awamu n'abantu ba Katonda, okukira okubanga n'okwesiima okw'ekibi okuggwaawo amangu;*

*Ng'alowooza ekivume kya Kristo okuba obugagga obusinga ebintu by'e Misiri:*. . . ne *yekaliriza* eri *empeera.*

*Olw'okukkiriza n'aleka Misiri, nga tatya busungu bwa kabaka: kubanga yagumiikiriza ng'alaba oyo atalabika.*

34 Njagala okutwala omutwe gw'ekyokuyigako, enkya ya leero, "okulondawo olw'okukkiriza." Era njagala okutwala kulw'ekyokuyigako, ebigambo ebisatu ebisooka eby'essuula eya 23, *Olw'Okukkiriza, Musa.* Era, "okulondawo olw'okukkiriza," ebisinga byetukola, tulina kulondawo lwa kukkiriza. Era byonna byetuzuula Musa byeyakola, ebyo ebigwanidde okuddiŋŋana, byali lwa kukkiriza; ssi na kulaba, naye lwa kukkiriza.

35 Era ensonga lwaki nonze kino enkya ya leero, ku lw'ekkanisa mu mbeera eno, ebadde nti mu. . . ne mu masomero gaffe, na wonna, tubadde nnyo n'okusomesebwa okw'ekinasayansi Olwa kino, tuwugudde abantu okuva ku kukkiriza. Kati, okukkiriza tekukakasibwa sayansi. Okukkiriza ky'ekyo sayansi ky'atalaba. Era bwe. . . Bwe tuviibwangako okukkiriza kuno okukulu, awo tubeerera ddala mu kizikiza, ssi. . . ssi nsonga oba tuli bayivu bulungi kwenkana wa, engeri gye tuyinza okunnyonnyolamu Ekigambo kya Katonda, okutuukana engeri y'okukkiriza kwaffe.

36 Teri ngeri yonna ya kusanyusaamu Katonda, wabula lwa kukkiriza kwokka. Ekyawandiikibwa kikyoleka bulungi bwekityo, era kiri lwa kukkiriza. "Era awatali kukkiriza," Ekyawandiikibwa bwe kigamba, "tekiyinzika kusiimibwa Katonda."

37 N'olw'ekyo, okukkiriza bwekuba tekukkiriziganya na sayansi, nga ne sayansi takkiriziganya na kukkiriza, ekyo ki—kibyawukanyiza ddala ekimu ku kinn'akyo, awo tuba tulina okukola okusalawo nga Musa bweyakola. Olw'okukkiriza tukkiriza!

38 Kati, bwe tuviibwako okukkiriza kwaffe, tuba tetuliba na ssaala eyanukulwa okuva eri Katonda. "Kubanga ajja eri Katonda kimugwanira okusooka okukkiriza nti Waali, era nga ye mugabi w'empeera eri abo abanyiikira okumunoonya." Kale, bwe tuviibwako okukkiriza kwaffe, essaala zaffe zisazibwamu; tetubaako na wetutuuka.

39 Kale kye kyokka kye tusobola okulowoozako, enkya ya leero, kwe kwenyweeza ku kukkiriza. Kati, bwetuviibwako okukkiriza kwaffe, essuubi lyaffe lyonna liba ligenze. Era bwetuviibwako okukkiriza kwaffe, obukakafu bwaffe obw'omwoyo bwonna buba bugenze. Kubanga, tosobola kuba na kukkiriza mu bintu by'olaba, kubanga ebintu by'olaba byonna biggwawo mu kaseera katono.

40 Bwetutunuulira omuntu omu ow'amaanyi, omuweereza ow'ekitiibwa, oba ekibiina ekinene, lumu, byonna bijja kusaanawo. Ate bwetutunuulira eggwanga ery'amaanyi, oba eky'okulwanyisa eky'amaanyi, lumu, byonna bijja kusaanawo. Kati olwo tulina kubeerawo lwa kukkiriza, ku lw'ebintu ebyo sayansi by'atasobola kunnyonnyola. Tukkiriza lwa kukkiriza.

41 Kati, tuviibwako ekitiibwa kyaffe bwetuviibwako okukkiriza. Kati, bwetuva ku kukkiriza, awo tuba tutwala ekkanisa mu mutendera ogw'entegeera ey'obuntu.

42 Era emirundi mingi, kirowoozeddwa, mu bantu, nti olw'okubanga ekibiina kinene, era nga balina amakanisa ag'amaanyi, obunaala obuwanvu, n'abantu abambadde obulungi abanekaanekanye, bangi, n'ensimbi nnyingi, nga basobola okwetuusako ebintu nga ebyo, emirundi mingi, tulowooza nti, ekyo kya mwoyo, nti ekkanisa eno eteekwa okuba nga ya mwoyo. Oba, bulijjo tujulizza abaweereza ab'enjawulo abagenda ebweru mu njiri ne baba n'enkuŋŋaana ez'ebibiina ebinene, ne tulowooza, oluusi n'oluusi, nti ebyo ke kabonero ak'okuluŋŋamizibwa. Naye ago ssi ge mazima mu bujjuvu. Okwo kuluŋŋamizibwa kwa buntu.

43 Naye okuluŋŋamizibwa okutuufu kujja na kukola kwagala kwa Katonda. Okilaba? Obanga omu, oba bamuswaba. Oba ekkanisa nnene, oba kkanisa ntono, ekyo ssi kikulu. Obanga mwogezi ow'ekitalo, ow'amaanyi mu bigambo, oba muntu bambi atamanyi na ABC ze, si kikulu. Kisinziira ku bubaka bw'aleeta, oba nga buluŋŋamiziddwa Kigambo kya Katonda, oba, buluŋŋamiziddwa ntegeera ya buntu ey'okuluŋŋamizibwa okw'omuntu?

44 Abantu abamu basobola okukwatibwako olw'omwogezi ow'amaanyi. Ekyo tekikifuula kituufu. Ebiseera ebimu bakwatibwako olw'okuba nti omusajja mutendeke nyo okutuusa nti asobola okuggyayo ensonga ye. Ekyo tekitegeeza nti kya Katonda. Okiraba?

45 Kiri mu kuyita mu Kigambo kya Katonda eky'omukisa, Ekitaggwaawo mwokka, mwetusobolera okufuna okuluŋŋamizibwa, era ekyo kiweebwa Mwoyo Mutukuvu. Olw'okukkiriza tukifuna.

46 Kaakano tuyinza okulowooza ku Musa, n'ekiseera ky'obulamu bwe kino ekikulu. Era bwe tusoma, ku kuzaalibwa kwe, n'engeri Katonda gye yamulabiriramu, naye waatuuka

ekiseera mu bulamu bwa Musa awaali wateekwa okuba akaseera ak'okulondawo. Bwe tusoma obulungi, tukizuula nti yali mutabani wa muwala wa Falaawo, era ye yali omusika wa nnamulondo, era ye yandibadde falaawo addako mu Misiri. Kale yalabanga bwe yeebulunguluzanga amaaso, ng'atuuse mu myaka egy'obuvunaanyizibwa, era waabangawo abaddu abo abaakolanga mu bunnya obw'ebitosi. Era Musa, bwe yalengeranga okuyita mu madirisa g'olubiri, ku baddu be bamu Falaawo be yatunuliranga, naye nga waaliwo enjawulo mu kulaba.

47 Njagala okuwa omusingi ekirowoozo ekyo, enkya ya leero, okumala eddakiika ntono nnyo, era leka Katonda w'Eggulu akinnyikize mu buli mutima wano. Engeri gy'otunuliramu ekintu, y'eteekawo enjawulo.

48 Omubuulizi w'enjiri ow'amaanyi, John Sproul, eyakyusibwa mu buweereza bw'Ow'oluganda Bosworth, bangi ku mmwe gwe mujjukira emyaka egiyise emabega, owa Old Glory Barn. Yagamba nti, lumu yali ku lugendo, nga okufa kw'omubeezi era mukyala we omwagalwa tekunnabaawo. Baali mu La Salle, Lorraine, France. Era nnafuna omukisa okukyalako mu kifo kye kimu. Era omulambuza waawo yali abalambuza mu bimuli, nga abalaga ebintu eby'enjawulo. Ne batuuka ku kibumbe ekimu ekya Mukama Yesu, ekiraga bwe yakomererwa. Era Mw. Sproul yali ayimiridde walako, nga akyetegereza, ye ne mukyala we, era, mu mitima gyabwe, baali bakolokota ekyo omubumbi kye yalina mu birowoozo, oba omwozi, manya, bwe yawoola okuva mu jjinja, ekintu ekirabika obubi ennyo bwekityo okwoleka okubonaabona n'okwagala n'okusaasira kwa Mukama Yesu, n'engeri gye kyawoolebwa mu ndabika etalina bukugu. Omulambuza n'ajja eri Mw. Sproul, n'amugamba nti, "Ssebo, ndowooza ogezaako kulaba nsobi eri ku kibumbe kino ekya Mukama Yesu."

N'amuddamu nti, "Kye nkola."

49 N'amugamba nti, "sewuunya n'akatono, kubanga abantu abasinga abakitunuulira, basooka, kukirabako nsobi."

50 Awo Mw. Sproul n'amugamba nti, "Kale, sirabamu kunyolwa yadde oba okuluŋŋamizibwa kwonna mu kutunuulira ekintu ng'ekyo, era nneewuunya lwaki omwozi yakikola bw'ati."

51 "Awo Omwozi . . ." N'agamba nti, "Mw. Sproul, ekifaananyi kino tekiriiko nsobi, era omwozi yalina n'ekintu ekituufu mu birowoozo bye. Naye obuzibu we buli, buli ku ggwe. y'engeri gy'okirabamu." Era n'abakwaata ku mikono bombi ye ne mukyaala we, n'abakulembera okubatwaala awali ekyooto ku bigere by'omusaalaba guno. N'agamba nti, "Kaakano, Mw. Sproul, kati tunula waggulu." Era bwe yatunula waggulu, n'agamba nti katono azirike. Nga kyali kya njawulo,

okuyimirira ewalako n’okitunuulira mu ngeri *eyo*, n’okukka wansi n’okitunuulira mu ngeri gy’osaanide okukitunuuliramu.

52 Era ne Katonda bw’atyo bw’ali. Okukkiriza bwe kutyo bwe kuli. Kisinziira ku ngeri gy’okutunuuliramu. Bw’ogitunuulira nga Bayibuli ey’ebyafaayo, eby’ekintu ekyaliwo mu nnaku ezayita, tolisobola kufuna mugaso ogwa nnamaddala mu Bayibuli. Oteekeddwa okufukamira ku maviivi go, n’ogondera ebiragiro bya Bayibuli eno, n’ogitunuuliza amaaso ag’Omwoyo Omutukuvu.

53 Nandyagadde okubuuza mmwe abampuliriza, enkya ya leero. Katonda ow’ebyafaayo atugasa ki leero bw’Aba nga si ye Katonda y’omu? Katonda oyo agasa ki, eyatwaala Musa n’amukozesa eby’amagero bye yakola, kyanditugasizza ki okusoma ku Katonda afaanana bw’atyo bw’Aba nga takyaali y’Omu leero? Katonda oyo agasa ki eyali asobola okulokola okuva mu kikoomi ky’omuliro, abaana Abaebulaniya, bw’Aba nga si ye Katonda y’omu leero? Katonda oyo agasa ki eyalamulanga wakati w’ekituufu n’ekikyamu, mu biseera ebyaayita, n’abonereza abakyaamu n’awa omukisa abatuufu, bw’aba nga si Ye Katonda y’omu leero? Kiki ekitutwala mu kkanisa? Lwaki tulekayo ebintu by’ensi, bw’Aba nga si ye Katonda y’omu asala omusango gwe gumu, era n’endowooza y’emu nga bwe Yali? Kigasa ki Katonda eyasobola okukwaata ku mukono gw’omukazi eyalina omusujja ogubumbujja, era omusujja ne guwona, Katonda oyo bw’Aba nga si y’omu leero? Kyandigasizza ki okuweereza Katonda eyali ayinza okuyita mukwano Gwe okuva mu ntaana, nga amaze ennaku nnya ng’afudde, Katonda oyo bw’Aba nga si y’omu leero?

54 Olw’okukkiriza tukkiriza nti olunaku lumu olw’ekitiibwa alituyita okuva mu ttaka, evvu ly’omubiri gwaffe ne bwe liriba lyenkana ekijiiko kimu. Tukikakasa tutya? Tetukikakasa. Tukikkiriza. Tetusabibwa kukakasa kintu kyonna. Tusabibwa kukikkiriza.

55 Olw’okukkiriza Musa yakola *bwaati-ne-bwaati.* Era nga Musa, nga omuvubuka, bwe yatunula ng’ayima mu ddirisa ly’olubiri, ng’atunuulira abaddu, yalaba ekibinja kye kimu eky’abaddu abajama, abajjudde ebitosi, n’obusa nga Falawo be yalaba.

56 Kyokka Falaawo n’Abamisiri bwe baabatunuulira, tebaali kintu, wabula ekibinja ky’abaddu obuddu. Ekyo kyokka kye baali basobola; abantu abatabula obutabuzi eddongo, okukola amatafaali ag’ettaka Falaawo ge yazimbisanga ebibuga. Bwe batyo Abamisiri ne Falaawo bwe batunuuliranga abaddu abo.

57 Naye Musa, bwe yabatunuulira, Musa yalaba kirala. Bwe yalaba, ng’ayita okumpi n’eddirisa, ebitosi mu bwenyi bwaabwe, n’amaziga agaakulukutiranga ku mba zaabwe, n’emibiri gy’abwe egikootakoota, yabatunuulira nga abaana

ba Katonda. Teyabatunuulira nga baddu. Yabatunuulira nga abantu ba Katonda abalonde.

58 Era, oo, bwemba nga ntambula, okuva mu nsi emu okugenda mu nsi endala, n'okuva mu ggwanga okugenda mu ggwanga eddala, nga mbuulira! Okuva lwe nnava wano nga enzigi z'ekkuŋŋaaniro lino ettono nzigule, elitasosola mu madiini, tetulina tteeka wabula okwagala, tewali kitabo kirala wabula Bayibuli, era tewali kiyiiye wabula Kristo, ngezezzaako okutunuulira abaana ba Katonda, era n'abo abagaanibwa, nga abantu ba Katonda abalonde. Ssibabuuza nti oba ba Kkuŋŋaaniro lya Branham. Ssibabuuza nti oba Bamesodisiti, oba Bapulesibiteriyani, Oba Bapentekoote, oba Banazaleni, oba Pilgrim Holiness. Njagala kubalaba nga bantu ba Katonda. Era nga ndaba emirimu wamu n'ebikolwa byabwe, nga biraga nti baweereza ba Mukama Katonda. Era omutima gwange gwegomba okussa ekimu nabo, ssifaayo ku kiki kye beeyita. Kye njaayaanira kwe kussa ekimu nabo. Mbaagala kubanga mmanyi nti bantu ba Katonda.

59 Bwe ndaba omukazi ng'ajja mu luguudo, ng'ayambadde sikaati empanvu, nga n'enviiri ze azirongoosezza bulungi emabega, era—era ng'ayambadde olugoye olulabika obulungi; ne ndaba omukyala omulala omuto, oba oly'awo nga benkana emyaka, nga ayambadde empale ennyimpi; ayinza okuba, nga mu ndabika, mulungi emirundi ebiri okusinga oli ow'enviiri empanvu, okusinziira ku kulaba kw'ensi, naye nze nja kuwagira oyo omuwala ayambadde nga Omukristayo. Newankubadde nga bamusekerera, era nga bamuyita omuzoole, naye, nze oyo gwe mpagira. Ayinza obutaba mulungi ng'oli omuwala omulala, mu ndabika, naye alina ky'alengera. Olw'okukkiriza alaba Oyo atalabika, Oyo alunŋŋamya obulamu bwe.

60 Bwe ndaba omusajjja nga ali ku mulimu gwe, nga ayitibwa "mudinkoni," oba "mubuulizi," oba "omuzoole," olw'okuba agaana okufuuweeta sigala, n'okunywa omwenge, n'okugenda mu mazina, ng'abalala, ate ne bamuyita "omuzoole," omutima gwange gumulowoozaako nnyo. Ye muganda wange, wansi mu ttaka lino ery'e Misiri, ekyo kireetera emitima gyaffe okuyaayaanira okumugwa mu kifuba ne tugamba nti, "Ow'oluganda, tuli batambuze era abagenyi, ab'omunsi muno, era nneegomba okussa ekimu naawe."

Musa yalina okulondawo, nga alondawo olw'okukkiriza.

61 Bavubuka bameka abandibuukidde omukisa ogw'okufuuka mutabani wa muwala wa Falaawo! Bavubuka bameka abandibuukidde omukisa Musa gwe yalina, okunyumirwa eby'amasanyu byonna n'okumasamasa kw'ensi, okufuuka kabaka wa Misiri, okubeera nga buli kimu kimuvunnamira! "Nga kya busiru," abavubuka b'omu kiseera kye kye bateekwa

okuba nga balowooza, "Musa bwe yasalawo okwegatta ku bantu ba Katonda abanyigirizibwa era ababonaabona."

62 Lwaki yakikola? Olw'okukkiriza, bwe yayimusa amaaso ge, yalengera okusukka obugagga obw'ensi eno. Yalengera okusukka ebinyumu by'ekibi. Era Bayibuli egamba nti yagumiikiriza ng'alaba Oyo Atalabika, olw'okukkiriza, n'asalawo okuweereza Katonda oyo ssi nsonga kiki ekinaabaawo.

63 Tekikyuukanga. Bangi ku ffe tuyinza okugenda mu kye twandiyise ekizimbe ekirungi. Tuyinza okunyumirwa, oba oli awo, okussa ekimu n'essanyu ery'okutuulako mu ntebe ennungi. Twandyatiikiridde, mu kutamiira n'okufuuweeta ssigala, n'okwambala n'okweyisa ng'ensi. Naye nsonga ki? Wayimusa amaaso go, era olw'okukkiriza n'olaba Oyo Atalabika, ne weeragira wamu n'abo abaagaanibwa abayitibwa abatukuvu abeevulunga ab'ekiseera kino. Kubanga olw'okukkiriza tumulaba Oyo Atalabika, nga tulondawo okubonaabona n'okuyigganyizibwa n'okunyigirizibwa.

64 Sandigambye bantu nti balondewo okunyigirizibwa. Sigamba nti olondewo okubonaabona. Tekiba kya buntu okukola bw'otyo. Naye okubonaabona bwe kuba mu kkubo ly'emirimu gyaffe, tukutwale nga bwe kuzze. Ssaagala obeeko ky'okola omuntu akusekerere. Sandyagadde oyogere ebintu eby'enjawulo, nti, "Ndi. . .nva mu kkanisa etakkiririza mu *kino-na-kiri*, mu nsi," n'ebiringa ebyo, okuleetera abantu okubeera nga bakusekerera. Ekyo ggwe okyereetako. Ssisobola kukugamba kuva wano ogende nga weeyisa bw'otyo okole ekintu eky'obulalu. Ekyo sandyagadde okikole, okuleetera omuntu okukuyita omuzoole. Ekyo okyereetako wekka. Naye bwe kyekiika mu kkubo ly'okuweereza kwo eri Katonda, ensi k'eyogere kyonna ky'eyagala. Ggwe genda mu maaso.

Ggwe londawo. Buli musajja na buli mukazi kino alina okukikola.

65 Watya ssinga Falaawo yalaba Musa kye yali alaba? Yalaba okubonaabona kw'abantu. Yamanya omuwendo bwe gwali gwenkana gwe yalina okusasula. Naye olw'okukkiriza ekyo kye yalonda, okusinga okutwala amasanyu g'ekibi.

66 Wayinza okuba, nga waliwo abakyala abato abatudde wano, nga abawala ababalagavu. Ensi eyagala okubagamba nti, "Kola *bw'oti-ne-bw'oti*. Oli mulungi. Omubiri gwo gwawundibwa bulungi. Osaanide okugulaga."

67 Naye, mwannyinaze, yimusa amaaso go olengere okusukka ekyo, eri Oyo eyagamba nti, "Kya muzizo omukazi okwambala ekyambalo ky'omusajja."

68 Ssinga abasajja b'omu bantu b'ewammwe, abakazi b'okolagana nabo, bakugamba nti, "Salako enviiri ezo empanvu.

Kijja kukulabisa bulungi. Kijja kuba *bwe kiti ne bwe kityo,* oba *ekirala*." Oba, "kijja kukulabisa bulungi." Tobiwuliriza ebyo!

69 Ggwe situla amaaso go, era olw'okukkiriza olabe Oyo eyagamba nti, "Enviiri z'omukazi kye kitiibwa kye, era taazisalengako."

70 Bwe bakugamba nti, "Kijja kuba kya buganzi. Ojja kuganja ku mulimu gwo, oba eri mukama wo, bw'onaanywa ku mwenge. Bw'onoofuweeta ssigala nga abakazi abalala, ojja kuganja nnyo mu baliraanwa bo."

71 Olw'okukkiriza yimusa amaaso go otunuulire Oyo eyagamba nti, "Yonoona omubiri guno, Nange ndiguzikiriza." Olw'okukkiriza tukkiriza ebintu bino. Ssi ekyo kyolaba. Wabula ekyo ky'okkiriza. Olw'okukkiriza, Musa bwe yakola.

72 Era mu lugendo luno olw'okukkiriza, wabaawo ekiseera nga wateekwa okubaawo okulondawo.

73 Lutti yakola ensobi eyo enakuwaza naffe gye tukola. Emirundi mingi tulonda ku lw'obulungi bwaffe. Tulondawo ebintu ebirabika nga ebirungiko.

74 Emirundi egimu bwe wabaawo obutakkaanya obutonotono mu kkanisa, omuntu omu ayinza okugamba nti, "Weewaawo, omudinkoni oba omusumba ali ku luuyi luno." Ekyo tokitunuulira. Tunuulira ekyo eky'obutuukirivu. Ekyo kijjeewo obatabaganye. Ekyo kya bwakatonda.

75 Waliwo okulondawo. Ate ffe tweronderawo. Tulondako ekikola ku lw'obulungi bwaffe.

76 Naye Musa yalondawo okubonaabona n'ensonyi, asobole okutambula n'abantu ba Katonda. Kirowoozeko kati. Kiwulirize. "Yalondawo okubonaabona kw'abantu ba Katonda, n'akutwala okuba okw'omuwendo ogusingako, kubanga yagumiikiriza, ng'atunuulira Oyo Atalabika."

Kati, Lutti, lumu, yalina okulondawo.

77 Era weesanga, enkya ya leero, nga wajja kubaawo abasajja n'abakazi abatudde wano, abanaakola okulondawo kwabwe okusembayo. Oli ky'oli leero, kubanga emyaka mingi egiyise wasalawo okubeera ekyo ky'oli kati. Era ekyo ky'olondawo kati kye kijja okusalawo ky'onaaba emyaka etaano okuva leero. Emyaka etaano okuva leero oyinza okuba omuminsani. Emyaka etaano okuva leero oyinza okuba Omukristayo omwatiikirivu.

78 Oba, emyaka etaano okuva leero oyinza okuba mu ggeyeena, olw'okusalawo okubi kwe wakola. Emyaka etaano okuva leero oyinza okuba nga olongoosa bukebe obukolondolwamu mu bbaala. Emyaka etaano okuva leero oyinza okuba malaaya ku luguudo.

79 Oba, oyinza okuba omusajja oba omukazi o—ow'omugaso eri ekibiina ky'abantu kyonna, olw'okulondawo Kristo. Emyaka

etaano okuva leero oyinza okuba mu Kitiibwa, nga ogenze mu Kukwakkulibwa, kubanga okoze okulondawo kwo leero.

80 Naye oteekwa okulondawo. Ate totunuulira ebyo by'olabako. Londawo ky'olaba n'okukkiriza. Ekyo kyokka kye kijja okukola amakulu, ekyo kyolonzeewo olw'okukkiriza.

81 Lutti, nga bwe yalina okulondawo. Ibulayimu yawa Luti omukisa yeeronderewo.

82 Era Katonda akuwa ekyo ky'oba olonzeewo. "Londawo leero ani gw'onoweereza." Mu lusuku lwa Adeni mwalimu omuti ogw'o—ogw'okumanya, n'Omuti ogw'Obulamu. Omuntu yaweebwa omukisa okweronderawo ogumu ku gyombi gw'ayagala. Ne leero bwe kiri. Muweereddwa eddembe lyammwe, nga abantu abalina obusobozi obw'okwesalirawo, okulondawo kyonna kye mwagala okulondawo.

83 Amagezi ge nkuwa, gali nti, totunuulira ebintu eby'omulembe ebikwetoolodde, obuganzi n'ettutumu by'oyinza okufuuka. Naye londawo, mu kifo ky'ebyo, olw'okukkiriza, Oyo eyawa ekisuubizo nti lumu Alijja era aligolola byonna ebyasoba, era alikuwa Obulamu Obutaggwawo, era alikuzuukiza. Wadde nga olonzeewo ekkubo erinyoomebwa wamu n'abatono ba Mukama, salawo bw'otyo. Bwe wabaawo emitawaana mu mukono, bwe wabaawo emitawaana mu nsi, bwe wabaawo emitawaana mu kkanisa, bwe wabaawo emitawaana mu maka, ka gibe wa, londawo, "Olw'okukkiriza, nja kuweereza Katonda. Nja kuwombeeka omutima gwange mu Kubeerawo Kwe. Nja kugenda wamu n'abaana ba Katonda. Mbalaba nga banyoomebwa era nga baboolebwa, nga bagoberwa ebweru era nga basekererwa, naye era nja kubeera mu kifo ky'obuvunaanyizibwa bwange. Nja kusigalawo. Era bwe bakaaba, nnaakaabanga wamu nabo. Era bwe wanaabangawo ennaku, nja kunakuwaliranga wamu nabo. Embeera gye banaayitangamu, nange gye nnaayitangamu."

84 Nga Nawume bwe yagamba. . .Manya, Luusi bwe yagamba Nawume nti, "Amakubo go leka gabeere amakubo gange. Amakubo gange gabeere agago. Gy'onoobeeranga, gye nnaabeeranga. Gy'onoogendanga, gye nnaagendanga. Katonda gw'oweereza anaabeeranga Katonda wange." Kola okulondawo okwo, newakubadde nga kukusumbulako eddiba ery'okutegeera kwo, okw'okwerowooza nti olina ky'oli. Kkakkanira ddala ogende wamu n'abatono ba Mukama abanyoomebwa, era osigale nga oli muwulize mu mulimu gw'okuweereza era ne mu buvunaanyizibwa.

85 Lutti ne yebulunguluza amaaso. N'agamba nti, "Nnonze." N'atunula e Sodomu. N'alaba emisiri emigimu nga gisinga kw'egyo Ibulayimu gye yalaba, n'eyo Ibulayimu gye yali. Yalaba omukisa ogw'okulunda ente ze, abeere n'ente ezisingawo ko obulungi n'obusava.

86 Ka nsuubire nti tewali gwe nnumya. Naye eyo y'ebadde enkola y'ababuulizi abangi ennyo, okwekkiriranya n'Enjiri, nga balowooza nti bafunamu ssente nnyingi mu ekyo. Awava eky'okulya! Waakiri mbeere mu nsi ey'olunnyo, ndye, nnywe amazzi ameereere, nga ndya bu bisikwiti, okusinga okwekkiriranya ku kulumirizibwa kw'okukkiriza kwange mu Kigambo kya Katonda omulamu. Nja kulondawo.

87 Abamu ku bo bagamba nti, "Billy, enkuŋŋaana zo zaaba ki, nga zibeeramu Abapentekoote bangi bulala." Omuwereeza ow'amaanyi ow'ekibiina ky'eddiini ye yayogera ekyo.

Ne ŋŋamba nti, "Ekibiina ky'eddiini yo kinaasasulira enkuŋŋaana zange?"

88 Ssi dda nnyo, mu katabo ka magaziini akayitibwa *Tunula*, nzikiriza, waliwo ensonga eyawandiikibwako. Era omwo omuwandiisi yayogera, ng'ayogera ku Bapentekoote. Yagamba nti, "Ekkanisa y'Abapentekoote y'ekkanisa ekyasinze okukulira ku misinde emiyitirivu mu nsi yonna leero." Lwaki? Kiri lwa kubanga abasajja n'abakazi bayimusizza amaaso gaabwe ne balengera wala.

89 Era omuwandiisi yasiima Abapentekoote. O, wewaawo, yagamba, "Waliwo abamu ku bo abeekubiira ennyo mu nsonga ezimu, n'ebirala. Naye, Abamesodisiti basinza bikwate. Katonda bamusinza kuyita mu bikwate. Ababaputisiti n'abo bakola ky'ekimu, n'Abapulesibeteriyani. Naye Omupentekoote asinza kusinziira ku Baibuli ye."

90 Olw'okukkiriza tulaba ekisuubizo. Nja kuyimirira nabo, ka babe nga banyoomebwa batya, nkyali omu ku bo. Wadde nga basekererwa, era balina ebibasoomooza, nga Isiraeli bwe yali, siryegomba kuyimirira na nabbi wa bulimba ku lusozi, Balamu, okugezaako okukolimira Katonda ky'awadde omukisa. Kubanga, mu lusiisira olwo mulimu Olwazi olwase, ne Ssaddaaka etonnya omusaayi, n'Empagi ey'Omuliro. Ka kibe ki kye balimu, kibakulembera kibolekezza buwanguzi, era bateekwa okubutuukako, kubanga be bantu abaasuubizibwa abatambula olw'okukkiriza. Newakubadde tebali kibiina kya ddiini, baali batambuze, era n'abantu ba Katonda bwe bali. Naye njagala kugenda wamu nabo, nneegatte ku muwendo gwabwe; ssi mu kibiina kyabwe eky'eddiini, naye mu kussa ekimu kwabwe mu bintu by'Omwoyo wa Katonda Ataggwawo, nga, olw'okukkiriza nnafuna okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu. Katonda annyambe bulijjo mbeerenga n'endowooza eyo.

91 Weetegereze. Nga bwe beeyongerayo, tulaba nga Lutti yalaba emikisa e—egy'ente ensava. Bangi balaba mikisa gya nsawo nsava. Bangi balaba mikisa gya kubeera mu bifo eby'amaanyi. Yalaba obusobozi obw'okufuna ddoola ennyingiko. Yalaba obusobozi obw'okubeera meeya w'ekibuga.

Okuba omugenyi, nga ate musajja mujagujagu, nga bwe yali, "Oba oli awo nja kufuuka mwami w'ekibuga." Yalaba obusobozi kubanga bwali mu maaso ge. Naye teyalaba muliro ogwali ogw'okuzikiriza ensi. Teyetereeza, kulaba nti ensi yali ejjudde ekibi, nga Katonda yalina okugizikiriza.

92 Era, leero, abantu bagezaako okwetereeza nga bagamba nti, "Oli . . .?"

Ka ŋŋambe nti, "Oli Mukristayo?"

93 Ne bagamba nti, "Ndi Mumerika." Ekyo tekikwatagana n'akatono nga okugezaako okuyita nnamuŋŋoona ekikere. Tekirina kakwate yadde.

94 Egenda kuzikirizibwa, kubanga Katonda mwenkanya. Era ssinga Amerika esimattuka n'ebibi byayo, awo Katonda omutukuvu, omwenkanya era afuga byonna aba avunaanyizibwa oku—okuzuukiza Sodoma ne Ggomola abyetondere olw'okubyokya, olw'ebibi byaabwe; ffe bw'Anatuleka ne tuyinaayina.

95 Bw'Anakuleka n'oyingira Eggulu n'ebikolwa eby'obutali bwenkanya, Alina okuzuukiza Ananiya ne Safira n'abawa omukisa omulala. Ddala yandikikoze. Naye mwenkanya. Ananiya yalaba ssente ze. Petero yalaba Kristo.

96 O, abange! Lutti teyalaba kuzikirizibwa kwa baana be mu kifo ekyo.

97 Bangi ku mmwe, leero, abeekutte ku bikwate bino ebikadde eby'edda n'ebirala bwe bityo, temulaba busiwuufu bwa mpisa n'okuzikirira kw'abaana bammwe. Tolaba muwala wo eyo gye bakolera obwa malaaya. Tolaba mutabani wo mu butamiivu, oba nga aliko waali mu zzaala.

98 "Kubanga wagimu." Ate ekibi tekikwatibwako. Teyalaba mukyala we, omukulu w'ebibiina byonna, nga afuuka empagi y'omunnyo, bwe yali alengera. Teyeeraba nga ayita ku lugwanyu, nga addukira mu kabuga akamu akatono, ku lw'obulamu bwe. Ekyo teyakiraba, kubanga yatunuulira ebyo byokka bye yalaba mu maaso ge.

99 Naye Ibulayimu, ensi engimu teyagiraba, kubanga yayimusa amaaso ge n'alengera ebyo mu maaso, kubanga yali wa kusikira byonna. Omukristayo omutuufu leero ayimusa amaaso ge n'alaba ekisuubizo kya Kristo nti: "Ba mukisa abateefu kubanga balisikira ebintu byonna. Balisikira ensi." Omukristayo omutuufu, olw'okukkiriza, atunula waggulu n'alaba ekyo. Muyite kyoyagala okumuyita. Ayimusa amaaso ge. Era bwe yakola ekyo, Katonda n'agamba nti, "Ibulayimu, tambulatambula mu nsi, yonna yiyo." Olw'okukkiriza, Ibulayimu kino yakikola; okukkiriza kwe kumu Musa kwe yalina.

100 Kyawandiikibwa omukugu omu mu kutunuulira ensonga, ye yayogera kino. Nnalowooza nti bye bigambo ebisingayo obulungi. Nti Ibula-. . . "Musa yaddira ebirungi by'ensi n'abiteeka ku ludda lumu olwa minzaani; n'ensinza esinga obutayagalibwa, n'agissa ku ludda lwa minzaani olulala; era obubi bw'ednsinza ne busingira wala ebirungi eby'ensi."

101 Ne leero bwe kiri, nti bwe tuyitibwa ekintu kyonna kye twagala okuyitibwa nga, "abazoole," oba "Abawonya," oba "abatukuvu abeevulungula," oba kyonna kye baagala okutuyita. Ekisingayo obubi kyetuli kijja kusingira wala ebirungi ensi by'erina. Tebaagala kuyitibwa "baava ku mulembe, abaggwa ku mpagala, abazoole." Kijja kusingira wala ekisingayo sitaani ky'ayagala okukuwa. Mazima ddala kijja kusinga.

102 Musa yatwala ekivume kya Kristo okuba eky'omuwendo ennyo. Yalengera Kristo. Oluvannyuma n'amwogerako ebigambo eby'amaanyi ebiruŋŋamya. "Laba, Mukama Katonda wo alikuyimusiza nabbi alinga nze." Yamanya. Yamulengererawo, n'atwala ekivume Kye okuba eky'omuwendo ennyo okusinga eby'obugagga bwonna obw'ensi.

103 Mukwano gwange Omukristayo, leero, tosobola kukikola ekyo? N'obugagga bwonna n'ettutumu ly'ensi, olw'okukkiriza, tumulaba Oyo eyasuubiza. N'obubi bw'ekkanisa leero, mu mbeera yaayo, naye ate nga bujja kusingira wala buli kimu sitaani ky'ayinza okukuwa. Bwe tuyuzibwayuzibwa, ne tukutulwakutulwamu, bwe tutabulwatabulwa ne tukutulwamu, mu bibiina by'amaddiini n'obuzoole, bijja kusingira wala ekintu kyonna sitaani ky'ayinza okukuwa. Ddala.

104 Yabala ekivume kya Kristo okuba eky'omuwendo ennyo okusinga eby'obugagga bye Misiri. Awo yalina okubaako ne ky'akola. Yayabulira Misiri. O, njagala ekigambo ekyo. Yayabulira Misiri. Olaba, yalengerera mu ddirisa lye limu, naye yalengeranga bya njawulo ku bya Falaawo. Watya ssinga Falaawo yalaba enkomerero ye? Watya ssinga Falaawo yalaba eggwanga lye nga libbira? Musa yakiraba. Atya? Nga akozesa ssaayansi? Olw'okukkiriza, Musa yakiraba. Buli kye yakola yakikolanga lwa kukkiriza, kubanga Katonda yasuubiza Ibulayimu, jjajjaawe, nti Yali wa ku—Yali wa kukyalira eggwanga lino oluvannyuma lw'emyaka ebikumi bina, era yali wa kubaggyayo. Era olw'okukkiriza, Musa yakkiriza Ekigambo Katonda kye yayogera, ne yeetegeera, olw'okukkiriza, nga ye mukulembeze eyalondebwa ow'okubaggyayo. Yali amanyi w'ali. Yakkirira mu birombe by'ettosi, nga omusambi w'obudongo, n'atwala ekivume kya Kristo okubeera eky'omuwendo omungi okusinga okutuula ku nnamulondo ye Misiri. Yatwaala. . . Teyagamba bugambi nti, "Mbasaasira." Yeebalira wamu nabo era n'agenda nabo! Ekitiibwa kibe eri. . . Yeebalira wamu nabo. Twagenda nabo.

105 Ky'ova olaba omuwandiisi eyaluŋŋamizibwa yagamba nti:

> Nja kugenda n'abatono ba Mukama abanyoomebwa.
> Ntandise ne Yesu, kati ŋŋenda mu maaso.
>
> Ndi mu lugendo olugenda mu nsi ye Kanani. (Ddala.)

106 Musa. Waliwo eyagamba nti Musa waakiri, mu kifo ky'okubeera mutabani wa Falaawo abeere n'obugagga obw'ensi, yalondawo okubeera muzzukulu wa Ibulayimu okusinga okubeera mutabani wa Falaawo. Mutabani wa Ibulayimu, anyoomebwa, okusinga okubeera mutabani wa Falaawo, kabaka.

107 Waakiri mbeere mutabani wa Mukama Yesu, era muddu munne, nneebalire wamu n'abaaboolebwa mu nsi eno, okusinga okubeera Pulezidenti w'Amerika eno ey'amaanyi, oba okubeera Elvis Presley, oba Pat Boone, oba yenna gw'oyagala okufuuka. Nja kusalawo.

108 Abawala abato basaanidde okwesalirawo. Mu kifo kyo—ky'okubeera Mary Pickford, oba omuzannyi wa firimu ow'erinnya, omuwala nnalulungi, londawo okubeera n'abatono ba Mukama abanyoomebwa.

109 Waakiri mbeere omubuulizi mu kituuti, nga mbuulira obugagga bwa Kritso obutanoonyezeka, okusinga okubeera omuzannyi wa firimu owa Hollywood, oba omuntu asingayo okuba ow'ekitalo ku nsi. Bwe mba ninna kulya katono, nsabirize, oba nkola ki kyonna, nja kugenda wamu n'abantu ba Mukama. Olw'okukkiriza, nkola ekyo. Mpeereddwa emikisa. Naye, olw'ekisa kya Katonda, nkyalaba lwa kukkiriza.

> Olw'okukkiriza nkirengerera wala;
> Ne Kitaffe atulindiridde emitala,
> Okututeekerateekera aw'okubeera Eyo.

110 Omuwooza w'omusolo yagamba, luli nti, "Lwaki wawaayo amaka go eri ekkanisa? Kiki ekyakuweesaayo ennyumba yo ey'emitwalo gya ddoola ebiri n'ekitundu eri ekkuuŋŋaaniro erifaanana nga kasasiro?"

111 Ne ŋŋamba nti, "Ssaakikola lwa kkanisa. Lwa bantu abagirimu." Ssirina yadde n'ekimu ku by'obugagga bw'ensi eno. Buli nnusu ya ssente gye nnali nfunye ezzibwaayo eri ekkanisa eno. Lwaki? Okukkiriza kwange kuli ku Katonda, so si ku bintu bya nsi eno. Ebisikiriza omutima gwange biri waggulu. Era nzikiriza n'ebyammwe byonna bwe biri, bw'oba oteredde ne Katonda. Kituufu, bw'oli. Ffenna olw'okukkiriza, tufuna. Ffenna, olw'okukkiriza, tukkiriza Katonda.

112 Musa, yalina okulondawo. Era yalina, nga amaze okulondawo, awo, yalina okulwanirira okukkiriza, kubanga teyatya kiruyi kya kabaka. Kati, nga omuntu, yali wa ddembe

okutya ekiruyi. Yali wa ddembe okutya ekiruyi kya kabaka, naye teyatya. Teyakikola, kubanga yalina omulimu ogw'okukola, era yali mu buvunannyizibwa bwe. Era teyafaayo kiki kabaka kyeyakyogerako. Yalondawo kkubo Lye mu buli ngeri.

113 Kati, Falaawo, wewaawo, bwe yalaba nga awanguddwa, n'ayagala okuwa Musa n'abaana. . . N'agamba nti, "Kale, ka nkubuulire kye nnaakola. Mwenna mubeere mu nsi eno naye mugendenga muwengayo ssaddaaka eri Katonda wammwe."

114 Bw'atyo setaani bw'akola. "O, oyinza okubeera munaddiini. Lwaki togenda n'obaako ekkanisa gye weegattako? Tekikweetagisa kukola bintu bino byonna." Omusajja agamba mukyala we nti . . .

115 Omukyala agambi nti, "Mwami, nnalokose. Ssikyasiiga njala, oba okusiiga langi ku mimwa n'ebintu nga ebyo. Ebyo byonna sikyabikola. Ssikyagenda mu bya masanyu. Na bino eby'ebibiina ssikyabyagala. Mbivuddemu! Obudde bwange nja kubumaliranga mu kusoma Kigambo, na kulabirira waka."

116 "Kati, laba, mukwano. Ggwe, osobola okuba munnaddiini, tekirina kabi. Kati, labayo, gwe—gwe genda mu *eno*. Oli mu kkanisa nkyamu."

117 Nedda, toli. Oli mu ntuufu. Bw'oba olina omubuulizi akubuulira ekyo, osaanidde okusigala n'akyo. Kebera mu Byawandiikibwa olabe oba ekyo kituufu.

118 "O," n'agamba nti, "genda mu *eno*. Teba—tebabikola mu eno ebyo. Olaba? Bino tebabikola mu eno." Eyo ye engeri . . . "Tosukka wano." Naye tayagala ofulume ensi. Bw'atyo setaani bw'akola. Tayagala ove mu bintu by'ensi; leeta buleesi ensi mu kkanisa.

119 Jjuuzi, bwe nnali nga nzija, ne nteekako leediyo yange. Era kwaliko o—oluyimba, ne nsigala nga mpuliriza, era nnalina, kumpi, okumalako oluyimba, nga ssinnaba kukakasa oba ddala lwali luyimba lwa ddiini, oba setaani y'agezaako okussa wansi ebintu bya Katonda ku mutendera gw'ensi. Ekyo tosobola kukikola! Katonda tusaasire!

120 Ssifaayo ntambi mmeka ez'ennyimba Elvis Presley z'awandiika, ku nnyimba ennungi zonna ez'eddiini. Aky'aliko setaani. Atutte abaana bangi mu ggeyeena, okusinga enkola zonna ze mmanyiiko, mu nsi leero. Pat Boone n'abalala bonna, yali wa mu kkanisa ya Kristo; ne Elvis Presley, nga Bapentekoote; abo ye Yuda Isukaliyoti, nga ali mu nkula ya basajja abo. Ssitaani agezaako okuddira ebintu bya Katonda eby'eddaala erya waggulu, basobole okubitabulatabula wansi *wano*. Abantu tebajja kutunula waggulu kusukka *bino*. Batunula butunuzi *wano,* ne bagamba, "Ndaba, byonna bye bimu." Si bye bimu. Mufulume ensi.

121 N'agamba nti, "Musobola okugenda okumala ennaku ntonotono. Ne mugenda, ne mubeerako mu nsi." Ddala, yamanya nti bajja kukomawo. Naye n'akizuula nti ekyo tekijja kukola, bw'atyo n'alowoozayo ekirala. N'agamba nti, "Ka mbabulire eky'okukola. Mugende yonna gye mwagala okugenda, naye muleke wano bakyala bammwe bonna, abaana bammwe bonna, n'ente zammwe zonna, bisigale *wano*. Mubireke wano, mmwe mugende." Kubanga, yamanya nti baalina bye balese emabega, eby'ali bigenda okubasendasenda okudda.

122 Era ekyo setaani ky'akugamba. Kasita oleka ebintu ebimu eby'ensi nga bikyakwekutteko, okyayagala okufuweeta sigala, oyagala okunywa omwenge, oyagala okwambala nga ensi, ekyo setaani ky'ayagalira ddala.

123 Mpulira bingi ku kuddirira. Sikkiriza nti waliwo okuddirira okw'amanyi nga abantu bwe balowooza. Baalekayo ebintu byabwe bingi e Misiri okubasendasenda okuddayo, kye kyokka. Okuddirira si ky'ekyo kye bakiyita. Walekayo bingi nnyo eri mu nsi, bye bikusendasenda.

124 Ow'oluganda, nkutegeeza, Isiraeli bwe yeetegeka, mu ttumbi, baalina buli kimu kye baalina mu nsi eno, nga babisibye beetegese okugenda.

125 Katonda atuwereeze okudda obuggya bwe kutyo. Tusibeko buli kimu, twetegeke okugenda. Eddoboozi eryo mu ttumbi lijja, "Mufulume okumusisinkana." Wandisibyeko ebibyo byonna. Tewandibadde na kintu kyonna, mu nsi, kukusendasenda kuddayo, ekintu kyonna eky'okukulemesa. Sibako. Twetegeke. Tugenda.

126 Ye omanyi? Ka nkubuulire, baali beesigwa nnyo eri Katonda, okutuusa Falaawo lwe yakyamuka mu ttumbi, n'agamba nti, "Mufulume! Mufulume, mugende. Mutwale buli kye mulina, mugende!"

127 Ndi musanyufu nnyo okuba nti omuntu asobola okusemberera ennyo Katonda, n'okutuusa nti setaani tamanyi kya kumukolera. Kituufu ekyo. Fuluma! Genda! Gondera Katonda!

128 Olw'okukkiriza, yalaba ekisuubizo. Musambi wa budongo, oba si musambi wa budongo, yagenda n'abo abatono ba Mukama abanyoomebwa. Falaawo n'agamba nti, "Mutwale byonna bye mulina mufulume wano! Ssimanyi kya kubakolera." Yali mwesigwa nnyo eri Katonda, olw'okukkiriza.

129 Okukkiriza kujja kukola ebyamagero, bw'onasigala nga oli mwesigwa eri Katonda. Olw'okukkiriza, tumulaba.

Obudde bwaffe buweddeyo; tusussizza mu budde.

130 Naye, olw'okukkiriza, enkya ya leero, yimusa amaaso go. Totunuulira bikwetoolodde, ensi eno ey'omulembe, naye tunula olabe Oyo eyawa ekisuubizo. Baibuli egamba nti, "Ebintu

byonna tetubiraba bulungi kati, naye tulaba Yesu." Ggwe mutunuulire, enkya ya leero, n'amakubo go ganaakyusibwa.

131 Nga tukotese emitwe gyaffe, mu kaseera katono, olw'okusaba. Mukama ayongere omukisa Gwe ku Bubaka.

132 Lowooza kati mu mutima gwo. Obadde otunuulidde bintu bya nsi? Olw'okukkiriza, olaba Yesu? Otunuulidde ttutumu lyo, kkanisa yo? Ekitiibwa ky'olina mu nsi? Oba, otunuulira Yesu Oyo, mu kusaasira, eyatuula ku mukono ogwa ddyo ogw'Ekitiibwa Waggulu, Eyabonyabonyezebwa nga omujulizi, omutuukirivu ku lw'abatali batuukirivu? Tosobola kuyimusa maaso go n'olengera Omuti ogwo ogw'Obulamu eri? Awo nno, oleke guno omuti ogwa ssaayansi n'okumanya, omuwereeze.

133 Wandyagadde okujjukirwa mu kusaba nga ssinnaba kusaba? Yimusa emikono gyo, olw'ekyetaago kyonna kye weetaaga. Katonda abawe omukisa. Alaba emikono gyammwe gyonna.

134 Bw'oba mwonoonyi, yimusa amaaso go olabe kaakano. Bw'oba obadde tewefiirayo, bw'oba obadde n'ennyombo n'obuntu obutonotono, njawulo ki gye kikola? Ogenda kufa lumu ku nnaku zino. Lunaku ki? Oba oli awo leero! Tomanya. Essaawa emu okuva kati, osobola okuba mu ggeyeena, oba osobola okuba mu Ggulu. Naye olina okusalawo kati. Bwe waba nga waliwo ekitateredde mu bulamu bwo, salawo kati, olw'okukkiriza.

135 Ogamba nti, "Kale, ssinga neesasuza omukazi oyo! Ssinga neesasuza omusajja oyo!" Si nsonga ki kye baakola, londawo Obulamu. Londawo Obulamu.

136 Kubanga, Yesu yagamba nti, "Mu mitima gyammwe bwe mutasonyiwa buli muntu okusobya kwe, ne Kitammwe ali mu Ggulu talibasonyiwa." Kale sembera nga bwe kisoboka. Bwe waba nga waliwo ensonga mu mutima gwo ku muntu yenna, oba mwoononyi oba mutukuvu, oli mu buzibu bw'omuliro gwa ggeyeena.

137 Kaakano yimusa amaaso go. Olaba ki, mulabe wo? Oba, olaba Mulokozi wo? Kiki ky'otunuulidde enkya ya leero?

138 Bw'oba oli mulwadde, nga omusawo wo agamba nti tosobola kuwona, yimusa amaaso go, eri omusaalaba, eyo gye yafumitibwa olw'okusobya kwaffe, olw'emiggo Gye twawonyezebwa. Totunuulira ekyo omusawo ky'agamba, akolera mu ssaayansi. Okukkiriza kukolera mu mutendera ogw'Omwoyo ne Katonda. Tulowooze ku bintu bino kati nga bwe mukyawanise emikono gyammwe. Katonda agirabye.

Ka tusabe.

139 Ai Katonda Ataggwaawo, mu buteefu obw'okusinza kuno kati, nga Obubaka buwedde, toganya ensigo ezo ez'Ekigambo Kyo, Mukama, okugwa ku ttaka ery'amayinja. Toganya Bubaka, Mukama, kugwa mu busaana, mu maggwa, emitawaana

gy'obulamu buno (nga Lutti) giyinza okuzizisa, ku nkomerero, ne zifuuka ez'okusuulibwa. Naye, Ai Katonda ow'omukisa, leka zigwe mu ttaka eddungi, eggimu, ku mitima egiboneredde. Ne ku gwange, nagwo, Mukama, tusobole okulengera okuyita mu ndabirwamu y'okulaba kwa Katonda, tulabe Ekkanisa ya Mukama Yesu eboolebwa, abantu ababoolebwa, ekkubo erigaanibwa, era leka tutambulire mu kkubo lino ery'ekitiibwa.

140 Nga Musa, yali tamanyi wa gy'alaga. Abantu baali tebamanyi wa gye balaga. Baali tebamanyi kkubo ki ery'okukwata. Baasimbula busimbuzi.

141 Era, Ai Mukama Katonda, nga oluyimba luno olulungi lukubibwa, olw'okukkiriza tusobola okulengera ensi Eyo ey'ewala. Leka kibeere nti kaakati, abasajja n'abakazi abali wano tebalowooze ku ki ensi ky'egenda okwogera, oba engeri gye bagendamu. Leka bagolokoke mu myoyo gyabwe, bagende.

142 Musa yagoberera Kitangaala, ne kimukulembera okugenda mu nsi ensuubize. Nga tamanyi na wa gy'alaga, naye yatambulira butambulizi mu Kitangaala, okutuuka mu nsi eyali esinga emisana obulungi.

143 Kituwe, Mukama, leero, nti bangi wano batambulire mu Musana gw'Ebyawandiikibwa ne mu kussa ekimu okw'Omwoyo Omutukuvu, wamu n'Ekkanisa; Ekkanisa, Omubereberye, abaana abawere abaakasembeza Kristo, n'abajjuziddwa Omwoyo Omutukuvu, nga bakulemberwa Mwoyo. Leka tutambulire mu kussa ekimu kuno, wamu, mu nnono za Katonda, nga tumuweereza mu kubatizibwa, mu buwulize eri okufa Kwe, okuziikibwa, n'okuzuukira. Leka tumuweereze mu kiragiro Kye nti, "Mubeere mu Yerusaalemi okutuusa nga mwambaziddwa n'Amannyi agava Waggulu." Leka tumuweereze mu kuwonyezebwa okw'Obwakatonda, nga tusabira abalwadde. Leka tumuweereze mu kussa ekimu, mu kumenya omugaati, mu mutima gumu, okussa ekimu mu Kigambo kya Katonda. Leka tumuweereze mu nnono Ze zonna ez'Obwakatonda, okutuusa Ensi lw'erirabika. Kituwe, Mukama. Wulira okusaba kwaffe, nga tuwaayo byonna gy'Oli kaakano, mu Linnya lya Mukama Yesu.

144 Kati nga tukotese emitwe gyaffe, mu kasirise, mpolampola, leka tuyimbe oluyimba luno. Kati kuno kusinza. Obubaka buwedde. Tewaba agenda. Musirike busirisi. Leka tusinze.

145 Obubaka kwe kugololwa. Lowooza kaakano ku by'okoze, bye wandikoze, ku biki ebikufudde ekyo ky'oli leero. Ekikuleetera okusingibwa omusango, leero, kiri lwakuba olina kye wakoze eggulo. Kinaaba kitya enkya? Kitereeze leero, era onaaba wa ddembe enkya. Okiraba? Oteekwa okusalawo. Oyinza kukikola otya? "Olw'okukkiriza, kaakano nta buli kimu. Kaakano nta buli kimu, era lumu ŋŋenda Eyo."

Mu nsi eyo ennungi,

Tulisisinkana ku lubala-. . .

Sinza businza Mukama mu mwoyo gwo kati.

Mu nsi eyo ennungi,

Tulisisinkana Ekkanisa eyo enyoomebwa. Lugendo luzibu, naye lumu tulisisinkana.

Eri oyo Kitaffe naggagga wagulu,
Tuliwaayo okusiima kwaffe okw'ettendo,
Olw'ekirabo eky'ekitiibwa ky'okwagala Kwe,
N'emikisa egigoberera e. . .

N'abanyoomebwa ba Mukama abatono, olw'okukkiriza, nondawo.

Mu nsi eyo (mu nsi eyo) gye. . .(gye bujja)
Tulisisinkana ku lubalama olwo olulungi; (gye bujja)
Mu nsi eyo (mu nsi eyo) gye bujja,
Tulisisinkana ku lubalama olwo olulungi.

Waliyo Ensi e. . .

Musinze businza. Kuno kwe kusinza.

. . .okukkiriza nnengera,

Olw'okukkiriza nnondawo.

O, Kitaffe alindiridde. . .

146 Ndaba abo bonna aba Mukama Eri; Ow'oluganda George, Ow'oluganda Seward, abatukuvu bonna.

. . .ekifo eky'okubeeramu Eyo. (Weewaawo, Mukama!)
Ensi. . .

147 Kitaawe, Horward, Edward, abatukuvu ab'emikwano ab'edda bonna abaagenda edda ennyo, mu Lugendo, ku luuyi luli.

Mu nsi eyo (Weewaawo, Mukama!) gye bujja (gye bujja),
Tulisisinkana ku lubalama olwo olulungi.

Tuliyimba ku lu-. . .(Ai Katonda!)
Ennyimba ez'ettendo eza bannamukisa, (Ekitiibwa kibe eri Katonda!)
. . .tetulinakuwala nate,
Yadde okussa ekikkowe olw'emikisa gy'omu Kifo kiri eky'emirembe,

Mu nsi eyo, eyo ennu. . .(gye bujja)
Tulisisinkana ku lubala-. . .

58-0720M Olw'Okukkiriza, Musa
mu Kkuŋŋaaniro lya Branham
e Jeffersonville, Indiana Amerika

LUGANDA

©2020 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

Voice Of God Recordings
P.O. Box 950, Jeffersonville, Indiana 47131 U.S.A.
www.branham.org

## Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:



VOICE OF GOD RECORDINGS

P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.

www.branham.org